ENTEEKATEEKA EY'EKIBIINA KYA'ABAAMI ABAKATOLIKI MU SSAZA EKKULU ERY'E KAMPALA

EYA

2013 – 2017

BITEGEKEDDWA

"CMG THINK TANK AND DEVELOPMENT COMMITTEE OF KAMPALA ARCHDIOCESE"

ENNYANJULA

Akakiiko ka CMG Think Tank And Development Committee kaaweebwa obuvunaanyizibwa nga 18th – April, 2012, kasobole okuyamba ekibiina ky'abaami CMG, okussa essira ku bigendererwa by'akyo. Ffe abaalondebwa ku kakiiko kano, tutwala omukisa guno tubanjulire lipoota eno.

- **Omulamwa:**
  Tusigale nga tuli mu bumu mu Kristu nga tulabira ku muwolereza waffe omutuukirivu Yozefu Mukasa Balikuddembe nga bwe yali mu mbeera ze mu byonna.

- **Ebigendererwa:**
  Okusobozesa omusajja omukatoliki okumanya engeri gy'ayinza okulung'amya obulamu bwe mu by'omwoyo, eby'obuwangwa, eby'ofuzi, eby'enfuna n'embeera z'abantu.

- **Ekiruubirirwa:**
  CMG kibeere ekibiina ekisingira ddala okuba n' obusobozi mu kuyamba omwaami okuba n'obuvunanyiibwa bwe bwonna.

  Motto: "OKUJULIRA KRISTU EKITANGAALA KY'ENSI"
  Endowooza: "Amaka amasanyufu mwe muva Eklezia omusanyufu era akulaakulana".

  Ennono: Okumanyagana, okwagalana n'omwoyo gw'obumu n'okukolera awamu.

  EBIGENDERERWA:
  Ebya wamu:
  Okuteeka mu bantu omwoyo gw'okwegomba okuyiga obulungi, n'okunnyikira ebyawandiikibwa ebitukuvu n'enjigiriza ya Eklezia Katolika ku bulamu bw'abantu.

  Kinnakimu:
  i. Okunnyikiza eddini y'obukatoliki mu baami Abakatoliki.
  ii. Okumanya n'okutegeerera ddala obuvunaanyizibwa bw'Omwami Omukatoliki mu Maka, mu Eklezia ne mu Ggwanga.
  iii. Okunyweza Amaka n'okugazimbira ku musingi ogw'enjigiriza y'Obukatoliki. (Vat. 11 Laity No. 11).
  iv. Okuluubirira okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'okusomesa abaana mu Maka, mu Masomero, n'awalala wonna nga Eklezia bw'eyigiriza. (Vat. 11 Laity No. 12630, Canon 226).
  v. Okuteekateeka abaana abatuuse okufuna amaka mu bufumbo obutukuvu nga Eklezia Katolika bw'ayigiriza.

vi. Okukubiriza abaana bajjumbire okuyingira Obusaserdoti, Obunaddini, Obusomesa bwa Katekisimu, n'Obuyigisa mu Masomero.
vii. Okulafuubanira emirembe n'obwenkanya mu baami bennyini ne mu Ggwanga okutwalira awamu.
viii. Okuyamba abaami okukulaakulana mu mbeera z'abantu, eby'Enfuna, eby'Obufuzi n'eby'Obuwangwa.
ix. Okuba n'eddoboozi erya wamu ku nsonga eziri mu Eklezia ne'Eggwanga.

EMBEERA Y'EKIBIINA (SWOT ANALYSIS)

AMAANYI GA CMG

- CMG kirina Banka ya SACCO esobola okusikiriza abaami Abakatoliki okuyingira ekibiina olw'okubayamba mu nneekulaakulanya mu by'enfuna ne mu mbeera zaabwe.

- Okunywereza awamu ba nnakibiina n'okusigala nga banyweredde ku biruubirirwa bya CMG nga Eklezia bw'eyigiriza.

- Olw'okuba nga CMG kyatandikibwawo Essaza ekkulu erya Kampala Archdiocese, abakulembeze b'eklezia bayamba nnyo mu kukunga abaami okuyingira ekibiina kino.

- Okusomesa bannakibiina obukugu obutali bumu nga tuyita mu misomo (Seminars) n'enkung'ana mu by'enkulaakulana, eby'omwoyo n'embeera z'abantu.

- Okukkaanya wakati w'abakulembeze b'eddiini, Abaseserodoti, bannaddiini n'aba Kristu okutwalira awamu nkola ya ssimba nga bwe tulaba Obusatu obwa Katonda bwe bukola.

- Okuga ekibiina ku mutimbagano (Website) bangi bakimamanya n'ebikolebwa.

OBUNAFU OBULI MU BANNAKIBIINA

- Abaami bangi baavu era embeera y'ebyenfuna gye balimu tebasobozesa kubaako kye beekolera newankubadde nga bandyagadde.
- Bannakibiina abamu tebajjumbira kutuula mu nkiiko, ekyandib'ayambye okumanya bye batamanyi n'okuyamba ekibiina okuzuula ebiyinza okukolebwa mu kwekulaakulanya, n'okutegeeza abalala.
- Okulemererwa okuyingiza abavubuka abandyongedde embavu n'okubeerawo kw'ekibiina gye bujja – ate nga abavubuka be basinga obungi mu Eklezia Katolika.

- Abakulembeze b'abaami bangi ku mitendera egy'enjawulo bakyalemeddwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe obwabakwasibwa.
- Abaami bangi bakyalemereddwa okutegeera obuvunaanyizibwa bwabwe n'eddembe lyabwe eby'obwebange ne mu mateeka, eky'okulabirako, nga okunyweza obutebenkevu mu by'Omwoyo, eby'Embeera z'abantu, eby'Enfuna ne eby'Obufuzi.
- Obutafaayo nnyo kumanya nteekateeka za Gavumenti n'ez'Essaza ez'okwekulaakulanya eziba ziteekeddwawo, so nga zandibayambye.
- Abaami balemereddwa okuteekateeka abaana babwe okumbulira mu bulamu bw'Obukatoliki, e.g obufumbo obutukuvu oba ebibiina by'Obukatoliki.

EMIKISA EGIRIMU:

- Waliwo omukisa gw'okuyingiza abavubuka mu kibiina kino kubanga be basinga obungi mu Eklezia Katolika, okuyinza okuyamba ennyo ekibiina okusigala nga kya maanyi gye bujja.
- Waliwo omukisa gw'okutwala ekibiina kya CMG mu Dioceses (Amasaza) endala.
- Okukubaganya ebiroozo n'okukolera awamu n'Ekibiina ky'Abakyala Abakatoliki CWG olw'okukulaakulanira awamu.
- Okunoonyeza ba nnakibiina oba abaana babwe Scholarships (Sikaala) olw'okweyongera mu misomo gyabwe mu masomero, era wano oba emitala w'amayanja.
- Okuzuulira (okufunira) ba nnakibiina emirimu nga tusinziira ku bye baasoma (obukugu bwe balina, bizinesi ze bakola oba bye batunda.
- CMG SACCO nga eyita mu kuwola ejja kuyamba abaami okwekulaakulanya.
- Okukubiriza ba nnakibiina bonna abandyagadde era nga balina obusobozi bw'okwesimbawo mu bifo by'obukulembeze oba n'enteekateeka endala eziba zizzeewo, bakikole kisobozese ennono nebigenderwa bya CMG okutuukirira.
- Okusikiriza ba nnakibiina kya CMG SACCO okuyingiza ab'omumaka gabwe mu CMG SACCO.
- Okumanyisa ekibiina kya CMG yonna gye kitannamanyika nga tukozesa omutimbagano gwaffe (Website).
- Okugatta abaami olw'okuyambagana nga bayita mu bitone eby'enjawulo buli omu kubo by'alina olw'okusobola okubikozesa mu kugonjoola ebizibu ebitali bimu eby'ekibiina.

EBIZIBU EKIBIINA BYE KISANZE:

- Abaami balimu emitendera egy'enjawulo, okugeza, aba waggulu- bagagga nnyo, baasoma nnyo, ab'omumakkati – bagagga ekimala, era nga baasoma ekimala, n'aba wansi -baavu, ate nga tebaasoma. Ekyo kikaluzza entabagana y'abaami ba nnakibiina okukwatiza awamu mu kutuukuriza ebigendererwa by'ekibiina.
- Ebbula ly'emirimu nga bwe liri mu ggwanga ekitwaliddemu n'Abakatoliki ne babeera nga tebalina kye bayinza kwekolera newankubadde nga bandyagadde.
- Obutannyonnyoka bulungi njigiriza ya Klezia Katolika mu ngeri abakristu gye bayinza okukulaakulanamu mu by'omwoyo n'ebyomubiri.
- Amadiini agatutunuka ng'obutiko agatutte abakristu okuva mu Eklezia olw'obutannyikira mu kumanya Katekisimu n'enjigiriza ya Eklezia okutwalira awamu.
- Obutayagala kusoma bitabo bya Ddiini, kiremesezza nnyo Abakristu okumanya mu buziba ebikwata ku Ddiini yabwe n'okusobola okugilwanirira bwe baba nga basoomozeddwa amadiini amalala, era n'okusobola okusomesa abaana baabwe.
- Abaami bangi tebalina buvmu mu kwanng'anga ebizibu n'obumalirivu okubivvuunuka.

ENTEEKATEEKA YA CATHOLIC MEN'S GUILD – 2013 – 2017

EBIGENDERERWA	EBITEGEKEDDWA OKUKOLEBWA	ABANTU ABASSIDDWAKO ESSIRA	ABANAABIKOLA N'EMIKUTU	OBUBONERO OBULAGA EBITUUKIDDWAKO
1. Okukubiriza omwami Omukatoliki okutambulira mu njigiriza ya Katekisimu n'okunyiikira okusoma Baibuli	• Okussaawo emisomo egy'okukunga abantu. • Okusomanga amasomo • Okukyaliragananga mu zi Parishes olw'okumanyagana • Okuwandiikanga ku nsonga z'ekibiina mu mpapula z'Amawulire ez'Abakatoliki ne Sunday Bulletins. •	• Abavubuka mu zi Parishes • Abaami Abakatoliki mu Parihes zonna • Abazadde • Abafumbo	• Abasaserdoti • Tubayambe Love Sharing Ministries (TLSM) • Abasomesa ba CMG • Radio ne TV Programs	• Abaami bwe banayongera okwenyigira mu mirimu gy'obutume mu Parishes oba ku mikolo egitali gimu. • Abaami bwe baneeyongera okuyingira CMG • Abantu bwe baneeyongera okwenyigira mu mirimu gya Eklezia. • Omwoyo gw'obwanannyini bwa Eklezia mu baami Abakatoliki
2). Okutandikawo ekibiina kya Knights of St Joseph Mukasa Balikuddembe (Movement) (omuwolerezo w'ekibiina CMG)	• Okuteekawo emisomo egikwata ku bwa Knights • Okuteekangawo ensirika ez'okwesingira Abajulizi ba Uganda • Okusondanga ensimbi ez'okuzimba ebiggwa by'Abajulizi ba Uganda.	• Banna kibiina kya CMG • Abagoberezi b' Abajulizi ba Uganda.	• Abakulembeze ba Knights. • Abasaserdoti • Abasomesa	• Obusobozi bw'okweyimirizaawo n'omutima omugabi. • Obujjumbize mu kuyingira ekibiina kya Knights • Okweyongera mu kwagala n'okwewaayo eri Abajulizi ba Uganda.

3. Okutandikawo Data Bank (Awakunganyizibwa buli kalonda yenna akwata ku Baami Abakatoliki • Okuzimba Website ya CMG.	• Okumanya ebikwata ku buli mwami, Essimu. E-mail, Emyaka gye, Amaka, Abaana, etc • Okulaga ebikwata ku CMG mu nsi yonna	• Bannakibiina bonna • Abayizi • CMG.	• Eggwandikiro lya CMG	• Emikisa gyonna egiba gizuuliddwa nga giweereddwa ba nnakibiina n'abaana baabwe
4. Okutandikawo Projects mu buli Parish	• Okwongera obungi n' omutindo ku birimibwa nga tebinnatundibwa • Okulunda ebisolo n'enkoko ebirina akatale. • Obukolero obutono obw'ebirime. Okulima ebirime eby'embala ebirina ettunzi.	Abakristu mu Parishes	CMG Think Tank and Development Committee. Bannakibiina bonna	Sente eziva mu project y'ekibiina eziweebwa ku Parish.
5) Okukubiriza abaami okwongera okwenyigira mu nkulaakulana ya Eklezia Katolika	• Emisomo egikwata ku mbeera z'abantu nga Eklezia bw'eyigiriza • *Okusomesa eby'Amaka* • *Mu kweyimirizaawo* • *Mu bukulembeze* • *Ku buvunaanyizibwa mu kukuuma Eklezia*	• Abakulembeze ba Parish • Abazadde • Abatuuze (abakulembeze) • Abafumbo • Abaana n'abavubuka	• Abasaserdoti • TLS Ministries • Abasomesa ba CMG • Ebibiina bya nnakyewa NGO's ebikwatibwako	• Okulaga obwannannyini ku Eklezia mu bakristu ba Parish • Okutuukiriza okuyitibwa kwa buli muntu • Abakulembeze abangi ab'obuvunaanyizibwa • Okweyongera kw'abaana mu kuyingira obunadiini • Eddobozi ly'Abaami erya wamu ku nsonga za

				Eklezia n'Eggwanga.
6). Okukwataganya ensonga z'ekibiina CMG okuva ku Bubondo okutuuka ku Ssaza	• Okujjuza ebifo ebyereere • Banakibiina okukwatira awamu ensonga z'ekibiina • Emisomo ku kusitula omutindo gw'ekibiina • Okukyaliragana • Okulamaga • Okutegeka ensirika	• Abaami • Abasaserdoti • Abasomesa • Bassabakristu ba Parishes ne Deaneries	• Ssabasumba • Abasaserdoti • CMG (Akakiiko) • Abasomesa • Sabakristu-Parishes ne Deaneries	• Okwetabanga mu mirimu gya Klezia • Okukolaganira awamu n'abakkiriza b'omu masinzizo amalala • Okukuzanga ennaku za CMG ku mitendera gyonna.
7). Okutandikawo amateeka n'okukwanaganya y' amateeka agafuga ekibiina	• Okutereeza enkola eziriwo. • Okuteeka mu nkola enteekateeka y'Essaza ku Ddembe ,Obwenkanya n'Okutabagana ey'emyaka 5 • Okwenyigira kw'abaami mu kwesimbawo mu bifo by'obukulembeze balondebwe. • Nga twebuuza ku bakulembeze b'Essaza okulwanyisa amateeka agaliwo mu ggwanga agatyoboola n'okunafuya omusingi, empisa, entwaza	• Buli musajja Mukatoliki ali waggulu w'emyaka 18 • Bannaddini • Abakulembeze b'ebitundu • Abakiise mu Parliament ne District Councils • Abakulembeze b'ebitongole ebirwanirira emirembe n'obwenkanya.	• Ssabasumba • Abasaserdoti • Abaami • Akakiiko ka CMG • Abakulembeze b'ebitundu • Ne NGO's and CBO's ezikwatibwako.	• Abaami Abakatoliki bwe banettanira okwesimba mu bifo by'obukulembeze. • Enkyukakyuka ezinaakolebwa ku mateeka amabi • Abantu bwe banaamanya akabi akali mu busambattuko bw'amaka n'okwekalakaasa (abakyuuse mu mpisa) • Okukendeera kw'ebizibu mu maka nga bwe binaloopebwanga CMG Executive ku mitendera gyonna.

	n'enjigiriza y'Eklezia, n'enkola ya Gavumenti ebinyigiriza Eklezia.			
8). Okuteekawo enkola za CMG eza "Munno mukabi" nga sizaakufunamu nsimbi.	• Okulabanga aweetagisa okuwa obuyambi e.g, obulwadde, okufiirwa, embaga, amatikkira etc • Okutandikawo enkola y'okuyambagana mu kuzimba amayumba • Bannakibiina okuteekawo enkola egobererwa n'emisoso mu nkola eno.	• CMG Banakiibiina	• Akakiiko akafuzi aka CMG • Abakulembeze ba Deaneries ne Parishes.	• Okulabika okw'okukulaakulana kwa ba nnakibiina kya CMG. • Okwegatta awamu mu bizibu bya munakibiina by'aba ayitamu • Abaami bwe baneeyongera mu bikolwa eby'ensi.
9). Okutandikawo emirimu gy'okukulaakulana(Project)	Buli Parish erondewo Project gy'esobola okukola okusinziira w'eri • Okuwandiika Proposals • Okutandikawo Project ez'okukulaakulana ku ddaala ery'Essaza	• Parishes • Essaza • CMG (Akakiiko akafuzi) ku mitendera gyonna	• Ssabasumba • Abasaserdoti • SACCO Development Committee • CMG ku mitendera gyonna • Abakozi ba CMG	• Bwe wanaabaawo enkulaakulana ku Ssaza, Parishes ne mu Bantu • Okutwala CMG okusukka Kampala Archidiocese
10). Okumanyisa emirimu gya CMG (Business) mu Parishes zonna okutuuka ku Bubondo.	• Okunnyonnyola ebifa ku kibiina mu biseera ebigere.(brochures) • Okuwandiikanga ku nsonga ezitali zimu mu Mawulire ne Sunday Bulletins (Catholic)	• Mu Parishes ne Deaneries • Abaami • Abavubuka • Abakyala	• Enteekateeka ya CMG • Abakulembeze ba CMG ku mitendera gyonna • Abakozi ba CMG	• Okugaziya emirimu gya CMG • Okukulaakulanya empisa y'okutereka mu ba nnakibiina • Enkulaakulana mu by'enfuna ya ba

				nnakibiina.
	• Okuteekawo Information Desk awanannyonnyolebwa ebikwata ku CMG ku buli Parish			• Obujjumbize bwa abaami Abakatoliki mu biwandiiko byonna ebifulumizibwa okubisomanga.
11). Okuzimba omutimbagano gwa CMG ogwa Website	• Okwanjula CMG eri Ensi yonna mu kubunya Evanjiri n'amawulire amalala ag'omugaso	• Buli anaaba yetaaze okumanya ebifa ku CMG	• Eggwandiikiro lya CMG	• CMG bw'enemanyika wonna mu nsi ne mu Uganda, mu kweyambisa omutimbagano(Website)

EKUMALIRIZA:

Ffe nga akakiiko Think Tank Development Committee, twagala nnyo era tulina essuubi nti:

1. Omulimu guno gujja kusikiriza n'okuwa amaanyi ba nnakibiina okwetaba mu kutuukiriza byonna ebiri mu ntegeka eno ey'okukulaakulana.
2. Bannakibiina bajja kutwala omulimu guno nga ogwabwe mu kujjumbira era n'okwewaayo okulaba nga ebigendererwa byonna nga bwe biteekeddwa mu Constitution ya CMG bituukirizibwa. Na ddala okumanyagana, okubeera n'okwagala, n'omwoyo ogw'okuyambagana n'okukolera awamu ate era n' "OKUJURIRA KRISTU, EKITANGAALA KY'ENSI"
3. Enjigiriza y'Eklezia ku mbeera z'abantu ezzaamu nnyo amaanyi mu ngeri zombie; ey'omwoyo ne mu by'okukulaakulana kw'Abakkiriza (Abakristu). Tujjukire nti "toyinza kugaba ky'otolina".
4. Mu luvannyuma wajja kubaawo enkyukakyuka mu ndowooza ne ku ndaba abantu gye balabamu CMG, naddala ebiruubirirwa mu kuzimba ekibiina eky'amaanyi mu Kampala Archdiocese ne Uganda nga eggwanga n'emitala w'alyo.

……	……
Basehenya Deo	Mange A. James
(Ssentebe Think Tank)	(Omuwandiisi Think Tank)

Committee Members:

1. Mw. Basehenya Deo	-Ssentebe
2. Mw. Ssozi Edward W.S.	-Omumyuka wa Ssentebe
3. Mw. Mange A. James	-Omuwandiisi
4. Mw.Michael.E. Sizomu- Kagoro	-Mukiise
5. Mw. Tukube Francis Xavier	-Mukiise